# Okuwulira okuva eri Katonda

Katonda ayagala okw'ogera eri buly'omu. Omanyi engeri gy'ayogeramu? Tuwuliriza era tulibetegefu okukola ky'agamba?

Tukozesa ekigambo “kuwulira”, naye tulina okumanya nti Katonda Mwoyo era akozesa empulira zaffe zonna okw'ogera naffe. Ekyo kitegeza nti “tusensinga” Katonda.

Buly'omu asobola okubako ky'awulira okuva eri Katonda. Naye olyoke omuwulire bulikadde era obere nenkolagana ne Katonda, ky'etagisibwa okubanga tujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Awo abera muffe era ateleza endowoza zaffe n'empulira zaffe ffe okusobola okuwulilira ddala Mukama ky'ayagala okutugamba.

Wayinza okuberawo ebiziyiza oba ebitasobozesa mpuliziganya yaffe ne Katonda. Kinno kiyinza okubera ekibbi kyenyina okwesonyiwa, obukosefu oba obulumi. Gyetukoma okulongosa binno, gyetweyongera okubanga tusobora okuwulira okuva eri Katonda.

Ekigendelerwa kwekubanga tumanya Katonda era n'okubanga empuliziganya yaffe eri kumpi nga mukwano go omulungi.

*Kiiki ekinemesa okutegera Katonda? Waliwo ebituntu mubulamu bwange wesagala kuwuliliza Katonda? Lwakki?*

*Nkakasa nti Omwoyo Omutukuvu abeera munze?*

## Engeri Mukama gy'ayogera naffe.

**Bayibuli**

Bayibuli eringa ebaluwa ya Katonda gyetuli era erimu ebintu ebyamakulu Katonda by'ayagala tumanye (2Timosewo 3:16). Bulikimu Mukama ky'ayogera kijjakuba nga kiikiligizanya ne Bayibuii.

**Abantu abalala**

Kyabulijjo nti Mukama ayogera nawe okuyita mu bakulembezebo oba abatendesi nga Mukama bw'abawade obuvunayizibwa obw'okulungamya obulungi. Mukama awa ab'oluganda abalala obuvunanyizibwa obuumu oba amagezi okuzimba amakage. N'olw'ekyo omuntu yena ayinza okujja jj'oli era n'ekigambo kye jj'oli kiyinza okubera nga kiva eri Katonda. (2Samwili 12:1-13, 1Abakolinso 14:3; Abebulania 13:17)

**Empulira eyomunda n'okusomozebwa**

Omwoyo Omutukuvu bw'abera muffe, awagara endowoza zaffe era asobora okutusomoza mukaseera konna. Kinno kiyinza okubera mukuyita mundowoza zaffe ezijja era nezitujukiza ebintu Katonda by'ayagala. Oba tusobola okulaba ebintu ebiimu nga ekifananyi liiso ly'endowoza zaffe Katonda mw'ayagalira okubako ky'atulaga (Ebikolwa by'abatume 10:10-11).

**By'oyinza okulabirako**

Katonda atuwade amaaso, amaatu, n'endowoza tusobore okubikozesa. Ebisera ebimu tulaba omuntu gwetusana okuyamba. Mukinno ayinza okubera Katonda nga yayogera nga aletera abantu okujja awaamu kulwabuly'omu. Mumbera nga eyo tusobora okusokeradala kwetegereza oluvanyuma netubuza Katonda nti obuvunayizibwa bwaffe bwebuliwa (Mataayo 11:2-6;27:54).

**Ebirooto**

Katonda asobora okwogera naffe nga twebasse. Tusobora okuyiga okuvunura ebirooto okutegera kiiki kyebitegeza (Yobu 33:14-17; Olubereberye 40:1,41:40; Mataayo 1:20).

*Ngeriki okuyita mu mikuttu gyinno Katonda mw'atera okwogerera nange? Nyinza ntya okuyiga ebisingawo mu kitundu kinno? Kitundu ki ekilara mwenetaga okuyiga okuwulila Katonda?*

## Amalobozi asaatu agenjawulo

Mubulamu bwaffe tuwulira endowoza ezenjawulo, n'olw'ekyo twetaga okuyiga okwekenenya ludawa gyezivude: Zivude eri Katonda? Eri bantu (nze mwenyini oba abalala)? Oba okuva eri sitaani?

Binno byebimu ku malobozi agenjawulo:

| Edobozi Lya Katonda | Edobozi ly'abantu | Edobozi lya sitaani |
|---|---|---|
| - Nga lizamu amanyi, lijjude okwagala, lilunji, litukilide (Abaluumi 12:2)<br>- Lisobora okubera ezzibu: nga likubikulira ekibbi, nga litusomoza<br>- Ebigendererwa: okukulakulanya, okuwonya, okuteleza | - Lisobola okubera okuwabula okulunji oba okubbi<br>- Okutangazibwa okutono<br>- Nga likenenudwa okuyitta mu bumanyililivu bwaffe n'entebeleza zaffe | - Nga litisa, limalamu amanyi<br>- Nga litondawo enjawukana, lyawula<br>- Lilubilira kuswaza, kunenya, kutagulula, kuyuzamu wansi |

*Okugezesa: Twala embera awo w'oyagara okutwala okusalawo. Yawula endowoza n'amalobozi ebikwatagana ku mbeera eyo okusinzila ku nsibuko y'abyo mungeri saatu Katonda, abantu, sitaani.*

## Okwekanya: Kiiki ekiva eri Katonda? (1 Abasessalonika 5:19-21)

- **Bayibuli egambaki ku kyo?** Bayibuli y'esinga obuyinza okugezesa ekintu. Ekinti singa kibera nga kikontanna n'engeri za Mukama mu Bayibuli, awo tekiva eri Katonda.
- **Kilunji? Kikwatagana n'embara ya Katonda?**
- **Ab'oluganda abakulu abalala bakyogerako ki?** Bw'obanga tewekakasa, buuza omukulembezewo oba omutendesi ku kuwabulwa.
- Buli butya **obw'esigwa** bw**ensibuko** gyenakifunye?

Katonda tayagala kuvujjilira bulikikwata ku bulamu bwaffe- Atuwa edembbe okukola okusalawo. Atwagala tutwale edala okumusembelera nga tumwesiga era nga **tutwala obuvunanyizibwa kukusalawo kwaffe**.

Waliwo ebibuuzo ebiimu nga kyanguwa okuwulila okwanukula kwa Mukama (Eby'okulabirako: “Katonda, anni gwenetaga okusonyiwa?” “Ludawa w'olaba ekibbi mu bulamu bwange era nga onetaga okw'enenya?”)

Eri ebibuuzo ebilara kizibu okwekeneya edobozi lya Katonda (“Mukama, anni gweninna okuwasa?”), eri ebimu, Katonda ayinza obutakudamu mu kaseera akko (“Emmyaka gyange amakumi abiiri 20years ejjija jjinafanana jjitya?”)

Ebisera ebimu tusigalira emabega wakati mu kubuza ebibuuzo. Ebisera ebimu nga tebiyamba eri obulamu bwaffe kw'osa nenkula yaffe. Oba nga tetusobola kuwanilira kudibwamu kwaffe n'olw'ekyo Mukama tatuwa ky'akudibwamu.

*Bibuuzo ki byembuza Katonda? Bibuuzo bilunji?*

## Engeri biiri ez'okukwataganya edoboozi lya Katonda

| | | | |
|---|---|---|---|
| **Kilizza:** | Katonda tayogera nange. | ↔ | Bulikimu kyempulira kiva eri Katonda. |
| **Kyangeri:** | “Endowooza zange si ndowooza za Mukama.” | ↔ | “Katonda agamba...!”<br>“Setaga kugezesa kinno.” |
| **Amazima:** | Omwoyo Omutukuvu ali mugwe, y'ensoga lwaki ebilowoozo byo ebisinga bya Katonda! | | Tukyali bantu era tukyakola ensobi, n'olw'ekyo ffena tutegera buubi Katonda ebisera ebiimu. |
| **Ebitesedwa:** | Lowoza nti ebisinga ku ndowooza zo ziva eri Katonda. | | Tandika nga “Ndowooza Katonda agamba...” |

*Sayidiki kuzinno ebiiri gyendubilira? Ebimu ku binno biviraludawa? Nyinza ntya okufuna edembe mw'ekyo era nkolagane n'edoboozi lya Mukama mungeri ennamu okusingawo?*

*Obubakabuno bwabwerere osobola okubukozesa mungeri yona, tebuliko bukwakulizo (CC0). Vazoni 1.3*